## 7."ABASIRAAMU BONNA BAWALABU"

Ebitundu biri 20 ku kikumi eby'abasiraamu abawalabu mu nsi yonna, ekitegeeza nti ebitundu 80 byonna ssi bawalabu wabula basiraamu .Twala eky'okulabirako abasiraamu abava mu India ne Indonesia bangi nnyo okusinga abawalabu .

Obusiraamu busomesa nti omuntu tabeera wakitiibwa kusinga mulala olwalangi ye oba eggwanga lye ,era buvumirira obusosoze mu mawanga .Eno ddiini ya bantu bonna era buli muntu yenna asobola okutuuka kuddaala eryawaggulu n'obuwanguzi ng'ayitira mu kukkiriza n'okusinza Allah omu yekka.

## 8."JIHAADI BUBA BWANNALUKALALA NA BUTEMU"

Jihaadi kitegeeza okulafuubana n'okwewaayo ku lw'eddiini yo ogenda maaso ng'ogitaasa ku balabe baayo.Kino okikola okusiimisa katonda.Sso ng'ate jihaadi etwala ebintu ebiwerako , gamba nga okulafuubana ng'okola emirimu emirungi,okuwaayo oba okulwanyisa abatakiriza abalwanyiisa obusiraamu. Jihaadi ey'okulwanyiisa abatakkiriza esobola okuba mu ngeri bbiri; ey'okwetaasa ku mulabe alumbye abasiraamu oba ey'okulumba oyo asubirwamu akabi eri eddiini eno nga tannalumba.

## 9. "ABASIRAAMU BASINZA MUHAMMADI OBA OMWEZI NGA KATONDA WABWE"

Kino ssi kituufu n'akatono ,era ssi bwekiri .Tunuulira ekigambo kino Nabbi Muhammadi(S.a.w) kye yagamba abagoberezi be wamanga;

"Tumungulumizanga ekisusse nga abakulisitaayo bwe bagulumiza Isa Masiya(nebamuteeka ku ddaala ly'okusinzibwa) omwana wa Mariam. Nze ndi muddu we kale kale muntwale ng'omuddu ate omubaka wa Allah".

Ekyo kiggyawo ebyo ebyogerwa abategeera obusiraamu nti tusinza Muhammadi ,sso ng'ate omwezi nagwo abasiraamu tebagutwala nga katonda waabwe kubanga Allah yakigaana dda mu Quraane.

**"Temuvunnamiranga enjuba wadde omwezi ,wabula muvunnamire Allah oyo eyabitonda bwe muba nga gwe musinza".(Quraane:41:37).**

Obusiraamu bukkatiriza nti Allah omu yekka yalina okusinzibwa awatali kugattibwako kintu kyonna .Ye nannyini bwenkanya era ye musaasizi ,okumusinza yekka kye kintu ekisinga obukulu mu busiraamu nga Quraane bw'ekyogerako mu bifo eby'enjawulo.

## 10. "OBUSIRAAMU BUKKIRIZA OBUFUMBO OBW'EMPAKA / OBW'OBUWAZE".

Mu busiraamu omusajja n'omukyala bombi baddembe okwesiimira oba okugaana omukyala gw'agenda okuwasa oba omwami agenda okumuwasa.Obufumbo buba bukyaamu era buba tebuliiwo ssinga omukyala akakibwa okufumbirwa omusajja gw'aba tasiimye namutiima gwe,oba omukyala omusajja gw'aba tasiimye okwo okufumbiriganwa ne kulyoka kubaawo.

## 11. "OBUSIRAAMU BUWALIRIZA ABANTU ABATABULIIMU OKUSIRAMUKA OLW'EMPAKA"

Wadde nga buvunanyizibwa bwa buli musiraamu okutuusa obubaka bwa Allah buno obwettendo eri abantu bonna tewali akakibwa kubuyingira .Okukkiriza obusiraamu ,omuntu alina kwesalirawo yekka n'omutima gwe agondere katonda we sso ssi kumukaka.Tunuulira bino wammanga .Indonesia y'ensi erina abasiraamu abasinga obungi mu nsi yonna naye tewali lutalo lwali lubaddewo nga lwa kusiramula bantu baayo.

Obusiraamu y'emu ku maddiini agasinga okusaasaana mu bulaaya ne America ensangi zino.

Newankubadde okulwanyisa obulumbaganyi n'obulyazaamanyi otekeewo obwenkanya ,nga nsonga ezikukkirizisa okuggulawo jihaadi, ate okukaka abantu bayingire obusiraamu kyo kiba kikyaamu.

Obusiraamu bwafuga ensi ya Spain emyaka 800 ate nga tewali muntu n'omu gwe baawaliriza kusiramuka.

Wano mu Uganda abantu bangi basiramuka enkya n'eggulo naye tewali n'omu gwe bawaliriza kusiramuka .Gwe wali omusanze wa?

## OKUWUMBAWUMBA.

Tobuzaabuzibwa oba okulimbibwanga n'okkiriza endowooza z'abantu enkyaamu ku busiraamu .Bino biri mu bantu bangi abatabumanyi oba abatabutegeera . Abange obubaka buno ng'ate bwa bantu bonna tolaba nga kyetaaga okubulowoozaako n'obwegendereza oba olyawo nebukugasa naawe?????.


www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com


# Kiki ky'omanyi ggwe kubwo

## ENDOWOOZA ENKYAMU KU BUSIRAAMU ABANTU ABAMU ZEBALINA.


AFRICA ISLAMIC DAAWAH ASSOCIATION (AIDA).



Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_en@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale


الرد على الشبهات باللغة اللوجاندية


شبكة الألوكة
www.alukah.net

## ENNYANJULA.

Obusiraamu yemu ku ddiini ezisinga abagoberezi ku mwaliro gw'ensi ate nga y'eddiini emu kw'ezo ezikyasinze okutegeerwa mu ngeri etali ntuufu,naddala abo abali wabweru waayo,kino kiva kunsonga ezitali zimu; mulimu ez'ebyobufuzi, eby'enfuna , emikutu gy'empuliziganya ezirina endowooza enkyamu n'ebirala.Ekkubo omuntu mw'ayinza okuyita okutegeera obusiraamu n'abasiraamu kwe kutunuulira buli nsonga eri mu busiraamu nga wetegereza ensomesa y'obusiraamu entuufu kuyo ngojja ku bamanyi baabwo n'ebitabo ebituufu kubwo.

## EZIMU KU NDOWOOZA EZO ZEZINO WAMMANGA.

> **"Abasinga obulungi y'oyo abasinga okuba n'empisa ennungi mwe abasiraamu"**
> ***(Nabbi Muhammadi S.A.W).***

Abantu abamu batyebeka ebigambo nti enjigiriza z'obusiraamu ezimu mbi era tezituukana na mulembe guno era nti zabutali bugunjufu. Ebigambo bino ssibituufu n'akatono era bya bwewussa. Abasiraamu bagulumiza empisa nenneeyisa ennungi nga mu bino:

- Obuntubulamu n'obwenkanya.
- Okukuuma endagaano.
- Eddembe ly'okusinza n'okusaba.
- Okugulumizaabazadde, ab'enganda, emiriraano n'abantu abakulu.
- Okugaba n'okuyamba abeetaavu n'abanaku.
- Obutalimba, obutalyazaamanya, obutageeya bantu n'ebirala.

Abasiraamu bakubirizibwa mu ddiini yaabwe okuyambako mu kuzimba eggwanga wamu n'okweyisa mu mpisa ezisinga obulungi.

## 2. "ABASIRAAMU BASINZA KATONDA OMUPYA AYITIBWA "ALLAH"".

Ekigambo" Allah" kye kigambo ekiri mu luwalabu ekitegeeza katonda omu omutuufu ow'obuyinza .Allah era kye kigambo abo abatali basiraamu mu bawalabu n'abayudaaya (ssi basiraamu) kye bakozesa okuyita katonda omu.

> **Abasiraamu basinza katonda y'omu ba nnabbi, Nuuhu,Ibrahiimu, Musa ne Issa gwe baasinza.**

Wabula wadde nga abasiraamu ,abayudaaya n'abakurisitaayo bakkiriza nti katonda omu oyo gy'ali ,enzikiriza zaabwe kuye zawukanira ddala.Eky'okulabirako ,abasiraamu tebakkiriza mu kuba nti katonda alina abamuyambako ababeezi oba nti ali omu kubasatu (trinity) wabula bakkiriza nti ali omu yekka ,yeemalirira.

## 3. " OBUSIRAAMU BUKKIRIZA OBWANNALUKALALA".

Emikutu gy'ebyempulizigayanya jigezaako nnyo okulaga omusiraamu yenna asangiddwa ng'alwana nga munnalukalala,wadde nga alina ensonga entuufu oba etali oba alyazaamanyiziddwa oba ekitali ekyo.

Mu ntalo ,okulumbagana oyo atali mw'abo abakulwanyiisa era nga talina nsobi jooli kintu kibi ekivumirirwa mu busiraamu .Abasiraamu tebalina kw'onoona bimera ,kutta bisolo,ng'oggyeko abantu.Wabula kiba kyetaagisa okwawula wakati w'obwannalukalala n'okwerwanakoolw'okuyikirizibwa kubanga byanjawulo.

**"Singa omuntu yenna atemula / atta omulala atalina musango ,ky'enkana n'okuba ngasse abantu bonna.Ate omuntu yenna awonya omulala omu (n'atafa), kyenkana n'okuba ng'awonyezza abantu bonna (munsi)."** (Quraane:5:32).

## 4. "OBUSIRAAMU BUJJAWO EDDEMBE LY'ABAKAZI"

Mu busiraamu ,abasajja n'abakazi batwalibwa nga benkana mumaaso ga Allah .Bombiriri basasulwa kyenkanyi ku byebakoze era bavuunanwa kyenkanyi.Ekifuula abantu okuba n'enkizo kubalala mu maaso ga Allah ,kwe kutya kwebamutya ,kyokka.

**"Mazima oyo abasinga ekitiibwa eri Allah y'oyo abasinga okutya Allah".**(Quraane:49:13).

Abakazi baweebwa ekitiibwa n'eddembe mu busiraamu ,gamba nga okusasulwa ekyenkanyi, okwesiimira omwami gw'afumbirwa,okusoma n'eddembe ly'okwawukana n'omwami we singa wabaawo ensonga entuufu ,kko n'okusikira ebyobugagga.

Ek'omukisa omubi ,tetugaana waliyo abakazi abasiraamu abatulugunyizibwa ne bajjibwaako eddembe lyabwe.Enno ssi nsobi y'abasiraamu ng'eddiini ,wabula kiri nti munsi ezimu abantu baamwo bbo bagoberera bya buwangwa nannono zaabwe naye nga ssi njigiriza za busiraamu ,era mwe bayitira ne banyigiriza abakazi.

> **"Allah , omutonzi wa bombi , omusajja n'omukyala , yabawa obuvunanyizibwa obw'enjawulo buli omu ,okusinziira kubutonde bwabwe".**

## 5."QURAANE KITABO KYA BYAFAAYO BY'ABEDDA NA BITONTOME EBIGUNJEEWO".

Quraane ,yonna bigambo bya Allah (katonda) eyassibwa ku Nabbi Muhammadi(s.a.w) nga biyita mu malayika Jibril. Quraane erimu amazima n'obulungamu abantu bonna bye batekeeddwa okuwangaalirako .Erina by'eyogera ebirimu eky'okuyiga ku mirembe egyatusooka n'ebyafaayo bya bannabbi tusobole okuyigira kubo.Etusomesa ebyo ebiri muffe abagisoma ,Omutonzi waffe ,wamu n'ekigendererwa ky'okubawo kwaffe, era nga kwe kutegeera eyatutonda era tumusinze yye yekka.

Quraane kekamu kububonero bwa katonda obukyasinze obunene .Tewali kitabo kyogera ku by'aliwo ,ebiriwo kati ,ebiribaawo munsi ne muggulu okujjako yyo mu butuufu bwaayo. Erimu ebyamagero bingi nnyo bye tusangamu kitusobozese obutabuusabuusa butuufubwayo.

## 6. "EKYAMBALO KY'ABAKYALA(HIJAB) KUBA KUBAMALAKO DDEMBE LYABWE"?

Hijab (ekyambalo ky'abakyala) kyekyo ekibikka emibiri jabwe nga ngoye ezitayolesa kikula kya mubiri ,n'ebyokwewunda eby'omunda eri oyo omusajja atali wa luganda lwe olw'okumpi. Hijab tekoma kubyambalo ebirabikako ,wabula etwaliramun'okwogera okutuufu ,ensa wamu n'empisa ennungi.

Hijab erimu emigaso mingi egimu kugyo kwekulaga obugoonvu eri Allah eyajitekawo kubanga yamanyi ekyo ekisaanira ebitonde bye.

Eyamba omukyala okukuuma eddiini ye mu mutima gwe ng'atya eyamutonda ,ate ebasobozesa okwetaba mu nsonga z'ebitundu byabwe nga balina ensa n'ekitiibwa. Teraga nti bawansi tebalina ddembe, wabula etegeeza kubikkirira ndabika ya mibiri gyabwe, baleme kuswaala oba okunyiizibwa kko n'okutyoboolwa.